# Babateeredde obutwa mu mmere

Bya MOSES LEMISA

MOSES LEMISA



Omu ku baana abaalidde obutwa ng'ali e Mulago.

ABANTU 6 aba ffamire emu baddusiddwa mu ddwaaliro e-Mulago nga bali mu mbeera mbi oluvannyuma lw'okulya emmere eteeberezebwa okubaamu obutwa.

Bino byabadde mu zooni ya Kanyanya e Komamboga, mu munisipaali y'e Kawempe, omuntu ow'ettima atannategeerekeka bwe yatadde ebigambibwa okuba obutwa mu mmere ekyavuddeko abaana 4 okuddusibwa mu ddwaaliro nga bataawa.

Prossy Nalubega,35, maama w'abaana bano yagambye nti, emmere yabadde mu ffumbiro ly'ebweru okutali luggi. Yagambye nti, ku ssaawa 2:00 ez'ekiro, yabadde mu nnyumba nga balaba akazannyo ku ttivvi ng'ateebereza nti, wano omutemu we yafunidde akaagaanya n'abateera obutwa mu mmere.

Yagambye nti, ye teyalidde ate bba yabadde alidde emisana ng'ekiro teyazzeemu kulya era bo tebaakoseddwa.

Yagambye nti, yajjulidde abaana emmere ne balya wabula ekyazzeeko kukaaba mutwe kubaluma, ssaako olubuto n'omusujja. Abaasinze okukosebwa ye Derrick Nsubuga,13, asoma P.5 ne Denis Mutebi owa P.4 nga bombi bayizi ku First Step era bakyali ku kitanda e Mulago. Ate Angel Nantale ne Sharon Nalwoga baatwaliddwa mu ddwaaliro ly'e Komamboga gye baazuulidde nti, baalidde obutwa nabo ne babongerayo e Mulago.



Omu ku baana ng'ajjanjabwa e Mulago.